

Nantongo owa Teresa (ku kkono) ng'awaayo omwana eri Denise Tusiime Mutambi owa JMS.

# Bajunye ebitongole by'abaana

Bya JOSEPH SSENFUMA

EKITONGOLE kya Joint Medical Stores (JMS) ekivunaanyibwa ku kutereka n'okubunyisa eddagala lya Gavumenti kidduukiridde amaka agakuuma abaana abalondebwa ku nguudo aga Teresa Babies Home ne kibawa eddagala n'ebintu ebirala ebikozesebwa mu bulamu obwa bulijjo.

Mu nkola eno aba JMS gye baayise Community Heath Program, mwe bagenda okuyita okudduukirira abantu abali mu mbeera eyeetaaga ennyo okuyamba nga muno mwe muli n'ebifo ebikuuma abaana abatalina mwasirizi.

Amaka ga Teresa Babies Home gasangibwa e Nsambya Kirombe.

Denise Tusiime Mutambi okuva mu JMS yagambye nti, okuyamba ku bantu abali mu bwetaavu kyakubatwalako ssente ezisoba mu bukadde 500 era nga yaakuganyula abantu mu bitundu eby'enjawulo gye balina amatabi omuli; Nsambya, Mbarara, Gulu, Fort Portal ne Arua.

Yeebazizza aba Teresa Babies Home olw'okulabirira abaana n'akakasa nti, obuweereza buno busiimibwa, kyokka n'asaba abazadde okufuna omutima ogwagala abaana nga tewali nsonga lwaki osuula omwana.

Phiona Nasanga ku lwa Teresa Babies Home yasiimye obuyambi obwabaweereddwa n'agamba nti, batadde ettoffaali ku buweereza bwe baliko.